# Engeri gy'okuza ekitone ky'omwana

## Famire

Bya RACHEAL NANKYA



Gloria Nakiwala (ku kkono) ne baakola nabo nga balambika abaana mu kuwuga.

ABAANA bangi mukama abawadde omukisa ne babeera n'ebitone eby'enjawulo omuli; okuzina amazina, okuyimba, okusamba omupiira n'ebirala bingi wabula abazadde bafuna okusoomoozebwa kw'okulung'amya abaana bano okutumbula ebitone byabwe.

Muno mulimu okubatendeka butya ensi bwetambula, okubasomesa emirimu gy'awaka, okukkalabya emisomo gyabwe ate nga n'ebitone bye balina tebabisuuliridde. Wabula wano abazadde abamu balemererwa okuyambako abaana bano okutambuza ebintu bino byonna.

### WEEKENNEENYE OMWANA ALINA EKITONE ALEME KUMERA MALALA KUMUSUULA

Gloria Nakiwala, akulira ekitongole kya Crystal Light Youth Philanthropy e Wakiso ekiyamba okukumaakuma abaana n'abavubuka, okubayigiriza eby'emikono eby'enjawulo n'okubayambako okuzuula ebitone bye balina n'okufuuka abantu ab'omugaso mu bulamu bwabwe agamba nti:

- Omwana bw'aba n'ekitone ekitutumuse kyangu okumera amalala. Bangi abeera tasuubira mulala yenna kumusinga, era bw'alaba oyo anaatera okumwenkana omulaba nga takitwala bulungi oba okufuna ennugu, kubanga alaba ng'amaaso bagenda kugaggya ku ye bagazze ku mulala, n'olwekyo omuzadde olina okugenderera.
- Waliwo abaana abalina ebitone naye nga basigala bakkakkamu, munne ne bw'aba amusinze, olwo omuzadde ng'omanya nti. omwana oyo ajja kubeera mukkakkamu n'ekitone ky'alina. Omuzadde yamba omwana oyo okulaba ng'akuuma ekitone kye wadde mu bukkakkamu.
- Olina okuyigiriza omwana nti, ekitone kye ttaala eteereddwa ku mmeeza abalala basobole okuluŋŋamizibwa ekitangaala kino amanye nti, ne bw'oba omugambyeko talina kutuulirira kitone kye wabula okukikozesa era bw'oyogera naye kimussaamu obuntubulamu.
- Omwana alina ekitone muwe eby'okulabirako by'abantu abalungi baasobola okukoppako embeera abeere mukkakkamu, okugeza Yesu yali musajja wa maanyi naye nga yeetoowaza okutuuka ku muntu asembayo, okugeza yanaaza abantu ebigere.
- Omuzadde olina okusomesa omwana nti, okubeera ow'amaanyi kitegeeza kuweereza bantu balala nga obasomesa, obayamba n'okuwa abalala. Kino kibassaamu omutima omwetoowaze, okugeza gw'oba owa obuvunaanyizibwa bw'okuweereza banne, kino kimuteekemu omutima omukkakkamu, naye bw'otakikola alabira ddala nti, ali waggulu waabwe.
- Alina okukimanya nti, tasobola kukikola yekka, abazadde, abasomesa, mikwano gye bakwatagana okuyambako omwana ono okukuza ekitone kye.
- Omuzadde olina okusomesa omwana nti, newankubadde ekitone kiba kirabo aba alina okukola ennyo okukikuza okusobola okuwangula mu bulamu bw'ensi eno.
- Omuzadde olina okukisomesa omwana nti, n'okusoma kikulu era alina okukola ennyo okulaba nti, ayitira waggulu ddala era nakwo kulina we kujja okusobola omutuusa ng'akugasse ku kitone kye.
- Omwana oyo alina ekitone olina okumuteekako amateeka nti, bw'aba tatuukirizza ky'omulagidde kukola ng'omuzadde naawe tojja kumukkiriza kugenda kukola bibye. Era mubonereze ng'asobezza kikuyambe okumuwumbawumba.
- Bw'oba n'abaana abalina ebitone eby'enjawulo awaka, olina okubakwata mu ngeri ya njawulo, okugeza bw'oba n'omuyimbi ng'alina gy'agenda okukola aveeyo ekiro tekiba kya bwenkanya ate kumuzuukusa ku ssaawa ze zimu n'abalala abeebase nga bukyaali. Era bonna bannyonnyole baleme okulowooza nti obasosola.

## Abantu kye bagamba



Davis Babalanda : Kyandibadde kirungi singa abaana bannabitone balina amatendekero abazadde gye babatwala okwongera okukuguka mu bitone bye balina, kiba kijja kwongera okuyambako okufulumya abantu ab'omutindo.



Stellah Nakatudde : Abaana abalina ebitone nga okuyimba n'okuzina oluusi bagenda mu bbaala eri abantu ab'embeera ez'enjawulo, wano omuzadde olina okuyimirirawo omwana obutakwonoonekako ng'omugaana ebifo ebitali bya myaka gye.



Yakoub Hussein Mugemule : Obuzibu bwe tukyalina mu Africa bwa bazadde kukaka baana kukola bye batayagala, ekikulu kiri nti, omwana wo bw'olaba ng'alina obusobozi okukola ekintu ekimu muwagire era omuzzeemu amaanyi.